# Abawanguzi b'Ettu lya Idd bakwasiddwa ebirabo byabwe



Abamu ku bannamukisa abeewangulidde ebyassava bya Idd. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Bya MOSES KIGONGO NE HUZAIMA KAWEESA

KKAMPUNI ya Vision Group ng'eri wamu ne **Bukedde ffamire** okuli; olupapula, leediyo ne ttivvi bawadde abawanguzi ebirabo by'akazannyo ka *Ettu lya Iddi*.

Ebirabo byabakwasiddwa ku kitebe kya kkampuni eno mu Industrial Area ku Lwokubiri ku makya.

Sheikh Asuman Ssemakula, nga y'omu ku baawangudde, yavudde ku kitebe kya Vision Group nga musanyufu bya nsusso olw'okwewangulira ekyapa ky'ettaka



Omukung'aanya w'olupapula lwa Bukedde, Michael Mukasa Ssebowa ng'akwasa Dr. Hadijah Nalubega ow'e Kirinnya-Bweyogerere ebya Idd.

okuva mu kkampuni ya B-Clara H. Property Services Ltd. Kkampuni eno, y'emu ku zaavujjiridde akazannyo kano ng'eri wamu ne Chapa General Enterprises, abatunda siyaagi wa Prestige mu ggwanga. Ssemakula eyabadde azze okunona ettu lye erya Iddi yagambye, yeewuunyizza Allah bwe yamukoledde ekyamagero n'awangula n'ekyapa.

"Allah wa buyinza kuba mbadde nkimye birabo bya Iddi, naye ndi musanyufu olw'okugattako ekyapa," Ssemakula bwe yalaze essanyu ng'ali ne mukyala we, Nuriat Nabukeera, bakira bwe bakuba 'Takibiira' wakati mu mizira n'okusaakaanya okuva mu bannaabwe bwe beetabye mu kazannyo k'omulundi guno.

Nannyini B-Clara H Property Enterprises Ltd, Herbert Ssenyonga, ye yamukwasizza ekyapa kino era ne yeeyama okusigala ng'awagira enteekateeka ezigendereddwamu okuddiza ku bakasitoma be omuli n'ezitegekebwa **Bukedde ffamire**.

Yassin Kazibwe okuva mu Chapa General Enterprises yalaze ebintu eby'enjawulo bye baawadde abawanguzi omwabadde; ssabbuuni wa Jama, siyaagi, butto n'ebikozesebwa mu maka ebirala, n'asaba bakasitoma baabwe, okubigula yonna gye banaabisanga.

Omukung'aanya w'olupapula lwa **Bukedde**, Michael Mukasa Ssebbowa yeebazizza abasomi b'olupapula, abalaba **Bukedde ttivvi** n'abawuliriza **Bukedde Fa Mma leediyo Embuutukizi**, olw'okubeera abagunjufu era abaagala okumanya ebintu ebiweerezebwa ku mikutu egy'enjawulo.




Omuwanguzi n'ettu lye.

Akulira **Bukedde ffamire**, Ssaalongo Richard Kayiira yeebazizza abavujjirizi ne bakasitoma olw'okwetaba mu kazannyo kano n'okujjumbira ebiweerezebwa ku mikutu gya **Bukedde** egy'enjawulo.

**ABAWANGUZI B'ETTU LYA EID 2026**

| | | | |
|---|---|---|---|
| 1. | SSEMAKULA ASUMAN | KITINTALE | 0752887028 |
| 2. | KALEMA SALIM | MAKINDYE | 0709542019 |
| 3. | YIIGA SWAIBU | KATOKE | 0703684932 |
| 4. | BUKENYA LAWRENCE | SALAAMA | 0754446269 |
| 5. | JIMMY MAMBULE | LUBYA | 0701550920 |
| 6. | NDAGIRE ZAITUN | MAKERERE III | 0702471696 |
| 7. | KAZUNGU JENNIPHER | MUBENDE | 0708350970 |
| 8. | SSEMAKULA ASUMAN | KITINTALE | 0752887028 |
| 9. | BAVEKUNO ABUDALAH | IGANGA | 0779084565 |
| 10. | NAKINTU HADIJA | KIBULI AGIP ZONE | 0780364328 |
| 11. | NANYONGA SCOVIA | KITINTALE | 0790992127 |
| 12. | KATO SEMBATYA | KIKAJJO KASENGE | 0701352592 |
| 13. | SANYU MILDRED | MAGANJO | 0785459319 |
| 14. | KALULE FRED | LUKULI KONGE | 0075966293 |
| 15. | KIZITO SAM | KISAASI | 0705337424 |
| 16. | HASANI KIZZA | NAKULABYE ZONE II | 0772455257 |
| 17. | KASAGGA SIRAJJE | WANDEGEYA | 0756394967 |
| 18. | KIZZA BOAZ | KYENGERA | 0709389734 |
| 19. | KIBUGO SSEKAMATTE | BULAGA KU 9 | 0742521772 |
| 20. | NALUSIBA SARAH | BUKASA, MUYENGA | 0758738821 |
| 21. | NANKWANGA FRIDAUSI | BWAISE | 0745855560 |
| 22. | WERINGA MOSES | NAGALAMA | 0774666136/0758607412 |
| 23. | NAKAZZI S. NALONGO | KYOTERA KASAALI | 0707362815 |
| 24. | KALUTE SAMUEL | MASOOLI KYAMBOGO | 0752172150 |
| 25. | NAFUNA SHAKIRA | NSAMBYA BARRACKS | 0745220362 |
| 26. | OUMA CHARLES | NILE ZONE NJERU MUNI. | 0752302376/0774964459 |
| 27. | KAJOBA KITONSA | KIREKA-KAMULI | 0077507350 |
| 28. | NAMAKULA AMINAH | NANSANA GGANDA | 0762939062/0787398962 |
| 29. | NDACURE PROSSY | KYEBANDO- NANSANA | 0751607877 |
| 30. | MATOVU ALI | KISENYI II KIGANDA | 0746763276 |
| 31. | HADIJAH NALUBEGA | KIRINYA | 0708198405 |
| 32. | KYEWALABYE | MPUMUDDE NAKAWUKA | 0753790068 |
| 33. | KIBIRANGO MOSES | GGABA | 0709623021 |
| 34. | NADIA RAMATHAN | KYENGERA | 0789563269 |
| 35. | MUKY. KABANYORO P. | KAWEMPE TTULA | 0747719559 |